335/2
LUGANDA
Paper 2
June 2019

# LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION
## *(UCE)*

**Okusoma Bwino, Ebyobuwangwa ne Litulica**
**Essaawa bbiri n'ekitundu (2½)**

**Ebigobererwa:**

- *Olupapula luno luganyiziddwamu ebitundu bisatu:* **A, B** *ne* **C**.
- *Ddamu ebibuuzo* **bitaano (5)** *awamu.*
- *Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu* **A** *ne* **B**.
- *Mu kitundu* **C**, *ddamu ebibuuzo* **bisatu (3)** *byokka ng'ekimu ku byo kya* **bitontomee**.

## EKITUNDU A

1. *Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.*

Emirundi mingi abantu bwe baba bakyayagalana bwagalanyi nga tebannafumbiriganwa buli omu yeeyisa bulungi eri munne era omuntu ayinza okubikkako egimu ku mize gye engeri gy'aba akyeguya munne. Bwe bamala okufumbiriganwa olwo oli n'aggyayo langi ze zennyini.

Obuyombi, olugambo, obwenzi, omwenge, obuggya, ebbuba, obwavu bye bisinze okuleeta obusambattuko mu maka. Buli muntu yandisaanye n'ateekwekerera munne; ne muviira ddala wansi nga mumanyiganye ne mulaba n'egeri y'okulwanyisaamu emize egyo. Ekyo kituufu nnyo, naye ate kye kikyasinze okuba ekizibu kubanga omuntu atya okwanika emize gye kabikasinge ng'omukwano gwabwe gukoma awo. Olwo ne kisigala eri buli omu okugenda nga yeezuulira ekituufu.

Ensangi zino ebyobufuzi bivunaanyizibwa kinene mu kuleeta obusambattuko mu maka. Abakyala bangi beenyigidde mu bukiiko, nigiina ayingiddewo n'obubiina obuwozi bw'ensimbi obuleetedde abakyala abangi okwerabira obuvunaanyizibwa mu maka. Essaawa z'ayagala z'addirako awaka. Kino kiviiriddeko obufumbo bungi okufa.

Waliwo n'okulemwa okugumiikiriza enneeyisa ya munno. Abantu babiri tebasobola kweyisa kye kimu: ka babe balongo abafaanagana. Buli omu yatondebwa ng'alina amaanyi ge n'obunafu bwe. Omuntu nga bw'omwagalako amaanyi ge; era bw'otyo bwe wandimugumiikirizza obunafu bwe.

Eŋŋanda tezireese busambattuko mu maka zirina kye zinoonya. Abakazi batera okwemulugunya nti balamu baabwe abakazi ne bannyazaala baabwe babafuukira ekyambika. Waliwo n'enjogera nti okusanga nyazaala wo, osanga amalaalo. Balamu b'abantu ne bannyazaala baabwe bandibadde tebeeyingiza mu nsonga z'amaka ga bannyinaabwe oba abaana baabwe, okuggyako nga basabiddwa ate ne bafuba okulaga obwenkanya mu kulamula ensonga.

Okuwasa n'okufumbiriganwa wakati w'abantu ab'amawanga ag'enjawulo nayo efuuse nsonga mu kutabangula amaka ensangi zino. Buli ggwanga n'ebyalyo. Abantu nga baawukanya amawanga kiyinza okubabeerera ekizibu okukwatagana obulungi, n'olwekyo abantu bandifunye bannaabwe ab'amawanga gaabwe nti nga bombiriri balina ebyobuwangwa ebifaanagana.

**Ebibuuzo:**

(a) Mutwe ki gwe wandiwadde ekitundu kino? (*obubonero 2*)

(b) Lwaki abantu batya okubeera n'amazima eri abaagalwa baabwe? (*akabonero 1*)

(c) Lwaki ebyobufuzi omuwandiisi tabibuusizza maaso mu kutabula amaka? (*obubonero 4*)

(d) Nyonnyola engeri omuwandiisi gy'awabuddemu abafumbo. (*obubonero 6*)

(e) Eŋŋombo egamba nti "….. okusanga nnyazaala wo, osanga amalaalo.", omuwandiisi agireese kutusiigira kifaananyi ki? (*obubonero 4*)

(f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa. (*obubonero 4*)

- Langi
- Obusambattuko.
- Okwemulugunya.
- Kulamula.

Okuva ku (g – j) koppolola ekisingako obutuufu (*obubonero 4*)

(g) Omuwandiisi kintu ki ky'alaze nga kye kisinga okuba ekizibu eri abaagalana?

i. Okukweka empisa.
ii. Okukweka emize.
iii. Okuggyayo amazima.
iv. Ekyokukyawagana.

(h) Lwaki abalongo basobola obutafaanana?

i. Kya butonde abantu okwawukana.
ii. Bwe baba tebakulidde wamu.
iii. Abasinga baba bafaanagana nga kizibu okubaawula
iv. Tebaba na bugumiikiriza.

(i) Owooluganda ddi lw'asaanye okwenyigira mu nsonga z'abafumbo?

i. Ng'ali mu maka omwo.
ii. Singa omukazi yeemulugunya.
iii. Omusajja bw'aba ye yeemulugunya.
iv. Abasalirawo ensonga nga bamusabye.

(j) "Buli ggwanga n'ebyalyo", omuwandiisi ategeeza;

i. Ebyobuwangwa tebifaanagana.
ii. Buli ggwanga n'abantu baalyo.
iii. Buli ggwanga n'ebizibu byalyo.
iv. Amawanga tegaba na nkolagana.

## EKITUNDU B

*Ddamu nnamba* **2(a)** *ne* **2(b)**

2. (a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. (*obubonero 10*)

(i) Atega ogumu, ______________
(ii) Bw'eyinda, ______________
(iii) Ekisigula ennyana, ______________
(iv) Akuba owuwe, ______________
(v) Guweddeko entonto, ______________
(vi) ______________ enkuba gy'etonnya.
(vii) ______________, mpaawo atalikyambala.
(viii) ______________, kye kirya n'asigadde eka.
(ix) ______________, gwasuula wammese mu kita.
(x) ______________, ebigere gye bikeera.

2. (b) Nyonnyola amakulu g'engero zino ag'omunda. (***obubonero 5***)

(i) Mwana mugimu ava ku ngozi.
(ii) Eriiso ly'omukulu awaddugala we walaba.
(iii) " Gunsinze", aliwa bitono.
(iv) Abasajja mivule, giwaatula ne giggumiza.
(v) Abataka nkwenge, gw'olya naye y'akutta.

## EKITUNDU C

*Ddamu ebibuuzo* **bisatu (3)** *byokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo ng'akamu ku bwo ka* **bitontome**. Toddamu bibuuzo bisukka mu kimu ku buli katabo.

**C. KALINDA:** ***Pawulo Kirimuttu.***
*Ddamu nnamba* **3(a)** *oba* **3(b)**

3. (a) " Akasajja kaali kakyatavujjana, ate n'efubutukayo eŋŋwaŋŋuli y'omusajja n'akasindika eri n'akatujja ennume y'ekigwo be tuu!! Wabula olw'okuba kaali kakooye dda, olwagwa eri kaafuluuta bufuluusi.".

(i) Akasajja kano kaali kakooye ki? (***obubonero 2***)
(ii) Lwaki omusajja yakasindika n'okukakuba? (***obubonero 2***)
(iii) Nyonnyola ebintu eby'enjawulo ebyaliwo ku olwo akasajja we kaayogerera ebigambo ebyo? (***obubonero 16***)

**Oba**

3(b) Nyonnyola engeri abantu abali mu lugero lwa Kalinda gye beeyambisa obutonde bw'ensi. (***obubonero 20***)

**ROBERT G. MUKASA:** *Tokiiya ŋŋonge Nto.*
*Kola nnamba* **4(a)** *oba* **4(b)**

4. (a) " Mwana mulenzi ensi yagiyingiramu akaaba nga banne bonna abaamusooka bwe baakola, naye ye yakaabamu ek'ensusso."

(i) Mwana mulenzi ki akaaba era kiki ekigenda mu maaso? (***obubonero 2***)
(ii) Ebigambo bino bisimbuddwa mu ssuula ki? (***obubonero 2***)
(iii) Nga weeyambisa essuula omuggyiddwa ebigambo ebyo, nyonnyola ebintu ebitali bimu ebityoboola eddembe ly'obuntu. (***obubonero 16***).

**Oba**

4(b) Nyonnyola bulungi ebyobuwangwa bw'Abaganda omuwandiisi by'akoonyeeko mu lugero luno. (***obubonero 20***)

**WYCLIFFE KIYINGI**: *Gw'osussa Emmwanyi.*
*Ddamu nnamba* **5(a)** *oba* **5(b)**

5(a) —————— "ye omanyi Abazungu bwe batusekerera?————— " Lwaki?"
—————— "Ee anti buli k'akola ne tukoppa mbu kuba nabo balindako naffe tulindeko ——"

(i) Baani abali mu mboozi eyo? (***obubonero 2***)
(ii) Ebigambo ebyo bisimbuddwa kuva wa mu muzannyo guno? (***obubonero 2***)
(iii) Weesigame ku muzannyo onyonnyole ebintu eby'enjawulo ebireetera omwogezi asooka okulowooza bw'atyo? (***obubonero 16***)

Oba

5(b) "Omuwandiisi w'omuzannyo ogwo yawandiikira ddala ku ebyo bye tusanga mu bulamu obwa bulijjo". Wagira ensonga eyo ng'owa n'ebyokulabirako ebimatiza. (***obubonero 20***).

**F. MASAGAZI NE BANNE: Balya N'ensekeezi.**

*Ddamu nnamba* **6(a)** *oba* **6(b)**

6 (a) *Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.*

**ENSI SIGITEGEERA**

1. Neetoloovu nga nnamuziga.
Ate yaseeteera ng'emmeeza
Wabula yannema okukenga.

2. Ensi!
Nagibuukako dda nze nagikkuta bumere.
Nagikuukako nagita ngiwanda na lulusu
Muntu agireetako eryanyi anaalaba bikulu
Birimuviiramu mu maaso biriba bya ndasi
Biriba bya nnaku.

3. *Ensi!*
Baagirabirawo abagezi ne bagerenjula:
Gavugira aliwo ogamanyi amagoma ssebo
*Akusekerera leer'enkya akuyita bbali*
Gw'oliwonya eggere at'olwo y'alikusambya.
Gw'olya naye enjokerere mbu "oyo dduma bikalu"
Olwo abibotodde.

4. Kulembera ndabe entumbwe y'agikulega
Tunaayita babiri ng'akawala akatebuse
W'oligwa we ndigwa ku ssaawa emaliriza
Ogenda ku olwo bye yawera tajjukira,
Olwo ng'akudduka!

5. Ensi!
Oluzaalibwa bw'oti bonna liba ssanyu
Lusuumukamu bw'oti nti "aliba mpiri"
W'ofiira nga bakunyiyiddwa bakukkuse
Sso nno nga mpaawo baaba kye wabakola
Okwekoboggoza mbu lutuwonye "luyanguye"
Nze olwo ne ntamwa!

6. Ensi!
Bw'oba omusomi nti asoma ki omubbi omukenkefu?
Atagisoma olwo ofuuka alina eddogo
Bw'ogeziwala nti "sso nga ganaamwesera"
Bw'osiriwala nti "nakyo kyayinga bumpeme"
Olwo owuttuse.

7. Ensi!
Bw'oba omugabi nti "owa nga baneegula!
Bw'okodowala nti "ggaamu amuli mu ngalo"
Lw'osanyukako nti "owa nga tuneetamwa"
Bw'onakuwala nti "waggume tagendeka"
Olwo obizze.

8. Ensi!
Omweru ow'ebbala eddungi eyalungiwa
Nti "yayeruka nga kino kye bakama!"
Kaddugala ow'erangi ebasaaliza
Mbu "yii n'enziziiri yalungiwa!"
Olwo okutuza ndiga!

9. Ensi!
Bw'oba omumpi ng'eno mbu eyesezebwa
Nti "mumpi awunya ttaka kalabe nno gye kakoma!"
Bw'oba omuwanvu lwadagada omugogofu
Nti "nyaabula lulabe n'empewo erukasuka"
Olw'ofuuse lusolobyo!

10. Ensi!
Ow'akabina mbu "simanyi nsejjere eyingira nkata"
Atakalina nti " olinga luno mwe tuyita"
Bw'oba omunene mbu" gulinga gusolosolo"
Ogifaananye
Olwo wakenduka

11. Ensi!
Agitegedde nkusaba okole kino:
Weereza Katonda wo Lugab'eyakukola
Beera mwesigwa wadde tebasiima tebalaba
Beera mwamufu y'alikuweera eyagereka
Olwo akuwummuze.

***Ebibuuzo:***

(i) Sitanza mmeka omuwandiisi z'atandise mu ngeri efaanagana era lwaki? (***obubonero 7***)
(ii) Mutwe ki omulala ogusaanira ekitontome kino? (***akabonero 1***)
(iii) Nyonnyola bulungi enzimba y'ekitontome kino. (***obubonero 8***)
(iv) Nyonnyola engeri omuwandiisi gye yeeyambisizzaamu olukusu lw'omutontomi (***obubonero 4***)

**Oba**

6 (b) (i) Ng'oggyeko Fred Masagazi Masaazi, laga mu bujjuvu amannya g'abantu abalala be yawandiika nabo ebitontome bino (***obubonero 2***)
(ii) Nga weeyambisa ebitontome eby'enjawulo okuva mu kitabo kino, nyonnyola enneeyisa y'abantu b'ekibuga. (***obubonero 18***)

**P. MUKASA: Jjangu Tutontome**
*Ddamu nnamba* **7(a)** *oba* **7(b)**

7 (a) *Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.*

**ENNYONYI.**

1. Obulungi bw'ennyonyi tebutendeka,
Tebutendeka,
Bw'otunuulira ebinyonyi obyewuunya nnyo,
Obyewuunya nnyo,
Birina amabala amalungi aga buli ngeri,
G'otunuulira naawe n'ogeegomba.

2. Weewuunya nnyo Mukama bw'atetenkanya,
Bw'atetenkanya,
N'abiwoomesa ebinyonyi n'abirungiya,
N'abirungiya,
Ebinyonyi bisanyusa nnyo okutunuulira,
Bigenderere naawe ojja kusanyuka.

3. Waliwo akasanke akatono okukamala,
Okukamala,
Ke wandirowoozezza Katonda obutafanako,
Obutafanako,
Naye yakawa erangi bulungi magero,
Bw'oginoonya mu dduuka obula okugibulwa.

4. Tunuulira ate nno akasumagizi,
Akasumagizi,
Akeebeerera awo ne kasumagira,
Ne kasumagira,
Naye erangi yaako bbululu omuseenekerevu,
Akakwerabiza okubeera akasumagizi!

5. Effulungu lyatobekebwa bulungi bulala,
Bulungi bulala,
Anti lirimu na kali akamasamasa,
Akamasamasa!
Ne bw'onoonya olugoye olulifaanana,
Kabekasinge toyinza na kulufuna.

6. Entawuuzi, kkunguvvu era n'enkofu,
Era n'enkofu,
Yabirondera erangi nnungi makula,
Nnungi makula!
Buli kinyonyi ekivaayo kya kyewuunyo,
Bakirondera erangi ezikiwoomesa.

7. Waliwo ennyonyi ennyange obuyonjo kitalo,
Obuyonjo kitalo,
Yonna yonna etukula be tukutuku,
Be tukutuku,
Ne bw'oyoza kitaani ggwe n'oyitiriza,
Togifaanana nnyange mu butukuvu!

8. Tulina ennyonyi ŋŋaali nayo makula,
Nayo makula,
Ekisunsu ku mutwe gwayo kiringa ngule,
Kiringa ngule,
Bw'oziraba ziti ennyingi nga ziri wamu,
Olaba bwe zeeyagala okukamala!

9. Katonda yeekerebenda ng'akola ennyonyi,
Ng'akola ennyonyi,
Yaziwa erangi ku mimwa ne ku bigere,
Ne ku bigere,
Zeewuunyisa okulaba nga tezifuukana,
Newankubadde nnamunye akola mu ttaka!

10. Obulungi bw'ennyonyi tebumalikayo,
Tebumalikayo!
Kizibu okumanya erangi eza buli nnyonyi,
Eza buli nnyonyi!
Wabula muzinge ye yayitirira,
Anti buli bbala eddungi ye yalifuna!

11. Otunuulira muzinge n'otendereza,
N'otendereza,
Omulimu omulungi ennyo oguwedde emirimu,
Oguwedde emirimu!
Ddala ddala muzinge Kabaka wa nnyonyi,
Mabala gonna amalungi ye yagafuna!

12. Ebyoya ebikyamufu ennyo nga bya nsajja,
Nga bya nsajja!
Ebisereekerere obulungi ennyo ebyo bya nkazi,
Ebyo bya nkazi,
Yaziwumbawumba bulungi Lugaba oyo,
Ziragirabisa bulungi ensi yaffe eno!

13. Abasiizi bangi nnyo ab'ebifaananyi,
Ab'ebifaananyi,
Batetenkanya nabo okwefaanaanyiriza,
Okwefaanaanyiriza!
Nga bakoppa ku langi ez'okubinyonyi,
Okututonera engoye naffe ze twambala!

***Ebibuuzo:***

(i) Ekitontome kino kikuteeka mu mbeera ki? (***obubonero 3***)
(ii) Lwaki ekitontome kino kikunyumira? (***obubonero 12***)
(iii) Sitanza ennya (4) ezisembayo ku kitontome kino zisengekeddwa zitya? (***obubonero 5***)

**Oba**

7 (b) Ebitontome bya P. Mukasa biyamba bitya abantu ab'enjawulo okwettanira obuntubulamu? (***obubonero 20***)

***BIKOMYE WANO***